S.2

LUGANDA

1 Wandiika nga weeyambisa ebyokulabirako ddi lwetukozesa ennukuta ennene mu luganda.

2a. Soma emboozi eno, oluvannyuma osaze ku mannya agagirimu

Nalwanga ye mwana wómwami oyo Omukulu era addibwako omulenzi Mubiru. Omuwala oyo ~~aba~~ alina Omukwano mungi eri taata we Ate ebyembi alina emputtu etagambika. Nalwanga muwala mukozi wa mirimu nnyo era bwagenda okukyaba enku asibira ddala olusekese.

b. Amannya gano gawe ebika mwe gagwa
(i) Nalutaaya
(ii) Omutwalo
(iii) Enseko
(iv) Abasawo

3 Saza ku Nakasigirwa eziri mu mboozi zino wammanga n'oluvannyuma ozituume amannya gaazo
(i) Nze nnamugambye abireete wano
(ii) Bano abali wano twabayise ggulo.
(iii) Ani akulagiridde wekiri?
(iv) Emmere yange ekuze bulungi
(v) Abaana be walabye bababakubye.

4 Saza ku Nnakongezalinnya eziri mu sentensi zino era ozuwe amannya gaazo.

(i) Muwala we mulungi nnyo.

(ii) Enkoko eya lujumba gye batwala mu ssabo.

(iii) Abawala ab'ekitema mbagala nnyo.

iv) Musisi yawasa omuwala owakatakketakke era buli omu amwegomba.

v) Embuzi eno gitwale ku ttale.

vi) Ssooda ki gwe bakutumye?

vii) Abaana bonna abaagenze mu lubiri baakomyewo.

viii) Embwa endalu teyeetaaga kulunda waka.

ix) Ekinnya kyemusimye kigazi bulala.

x) Maama yatuleetedde engoye nkumu era ezimu twazigabye.

5 a) Wandiika empisa ezoobuntubulamu z'omanyi.

b) Nyonnyola engeri Abaganda gye bayigirizaamu abaana empisa.

6. Ensiko yamugaso nnyo eri Omuganda. Wandiika emigaso kkumi.